

P360/1  
Luganda  
Paper 1  
July/August 2019  
2½ hours

## BUGANDA EXAMINATION COUNCIL MOCKS

Uganda Advanced Certificate of Education

### LUGANDA PAPER 1

*(Amateeka N'enkozesza y'Olulimi, Obuwangwa n'Abawandiisi)*

Essaawa bbiri n'ekitundu

***Ebiragiro:***

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu (3) A, B ne C.
- Ekitundu **A** kya buwaze.
- Mu kitundu **B** kola nnamba 2, 3 ne 4. Oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.
- Mu kitundu **C** ggyamu ekibuuozo kimu (1) ng'okironda ku bikuweereddwa.

## EKITUNDU A

### **Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino**

- 1 a) Sentensi eno wammanga gikutulemu ennyingo era buli emu ogiwe erinnya lya ggulama. (obubonero 5)  
- twakubiddwamu
- (b) Golola ensobi ezikoleddwa mu sentensi zino wammanga. (obubonero 5)  
(i) Omusajja atuwaadde omugo tukube omusota.  
(ii) Twasomye ku by'obuwangwa bwe twavudde eka.  
(iii) Ng'olabye nobukuluma!  
(iv) Omwana ow'okubiri tajja kutwalibwa kumukolo.  
(v) Weebale wojje katonda akuddizeewo.
- (c) Ebigambo ebisaziddwako mu sentensi bisikize ekigambo kimu. (obubonero 4)  
(i) Kimera mwana wa ssengange era twakulira wamu.  
(ii) Omutanda bwe yajja ku mikolo yatwanjulira ne muwala we owookusatu  
(iii) Twamusanga ali mu kugatta mukeeka gwe asobole okugusala.  
(iv) Kafuumma muganda wange bwetugatta nnyaffe naye kitaffe tumwawula wabula tukwatagana bulungi
- (d) Wandiika sentensi nga weeyambisa amannya gano wammanga nga mulimu ennyingo y'erinnya ku kikolwa era ogisazeeko. (obubonero 2)  
- Okusoma  
- Ebyobuwangwa
- (e) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa mu biseera ebiragiddwa mu bukomera era osaze ne ku bubonero bw'ebiseera  
(i) Ngenze ku luzzi kunona mazzi (ekiseera ekijja)  
(ii) Enkuba etukubye nga tugenda ku ssomero (ekyayita)  
(iii) Bwe twamala okulya ne tugenda( ekiseera ekyayise) (obubonero 3)
- (f) Nyonnyola amakulu ageeyolekedde mu sentensi eno wammanga  
- Twalimaalima wano anti waali wazise. (obubonero 5)
- (g) Ebisaziddwako bituume amannya aga ggulama. (obubonero 3)  
(i) Omusomesa ayimbisa abaana oluyimba lw'eggwanga.  
(ii) Omuggo gwe gugudde wansi.  
(iii) Tusiimye omukolo gwabwe

- (h) Ddamu owandiike sentensi zino nga weeyambisa nnakasigirwa entabaluganda ogisazeeko ( obubonero 3)
- (i) Abaana bagudde mu mmotoka ne bafuna ebisago.
  - (ii) Omusajja aleese ekimuli ekifaanana obulungi.
  - (iii) Erinnyo limuluma terimuganya kulya bulungi.

## **EKITUNDU B**

### **Ddamu ebibuzo bisatu (3) mu kitundu kino**

#### **Kola nnamba 2, 3, ne 4 ng'ogoberera ebikuweereddwa**

##### **Ddamu 2(a) oba 2(b)**

- 2(a) Laga amagezi g'Abaganda ageeyolekedde mu mpisa y'okwabya olumbe. (Obubonero 20)

##### **Oba**

- (b) Nga weesigama ku buwangwa bw'Abaganda nyonyyola engeri abalongo gye basukkulumizibwa ku bantu abalala

- 3(a) Ku bisoko bino wammanga londako bina(4) onnyonnyole amakulu gaabyo agoomunda (Obubonero 04)

- (i) Okubeera ku nkalajje.
- (ii) Okutuuza omuntu mu nsonga
- (iii) Okuwoza mpolu embuzi ndikuwa ente
- (iv) Okubeera wadde waddeko .
- (v) Okwemala eggoga.

- (b) Ebisoko bino wammanga byeyambise mu sentensi eziggyayo amakulu gaabyo (obubonero 10)

- (i) Omuntu okutambula nga yeerinnyako.
- (ii) Okusenya ku kintu.
- (iii) Okumma ekintu amazzi.
- (iv) Okukootakoota mu galumonde.
- (v) Okuzannya n'omuliro.

- 4(a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (obubonero 6)

- (i) Omusango omukadde .....
- (ii) Omutongole kagumba ka mmale .....
- (iii) Abikka ku maddu.....
- (iv) Ekimanyire bwe kiba.....

(v) ..... gikooya buli omu

(vi) ..... ng'amazzi banywa

(b) Nyonnyola amakulu agoomunda agali mu ngero zino wammanga. (10 marks)

- i. Akabimbi akatono kakira ekyosi
- ii. Nannyini kiggwa y'akiweebuula.
- iii. Abikka ebibiri tabojja
- iv. Nyanja eradde tebulako jjengo
- v. Wakka awunya nga ggwe omulumbye ku nswa nze

### **EKITUNDU C**

**Ddamu ekibuzzo kimu kyokka mu kitundu kino ng'okiggya ku nnamba  
5, 6 oba 7**

#### **Kola 5(a) oba (b)**

5(a) Nyonnyola n'ebi'okulabirako engeri Busuulwa gyali omusaale mu kusitula omutindo gw'ebyenjigiriza mu ggwanga.

#### **oba**

(b) Nyonnyola ebyobuwangwa Busuulwa by'atuusa eri omusomi we mu kitabo kye ekya Mujaguzo.

#### **Kola 6(a) oba (b)**

6(a) Ettutumu ly'omuntu lipimirwa ku kulafuubana kwe mu kukulaakulanya eggwanga.  
Kino kyeyolekera kitya ku Kaswa ng'omuntu?

#### **Oba**

(b) Lambulula obukulu bw'enswa eri omuganda nga Kaswa bw'abutulaga mu kimu ku bitabo bye.

#### **Kola 7(a) oba (b)**

7(a) Lambulula engeri ebyo Matovu Joy by'akola gye bimwoleka nga munnabyabuwangwa

#### **oba**

(b) Ebitabo bya Matovu bimulaga nga bwali ow'ebitone ebingi.weesigame ku biwandiiko bye okakase kino.

### **BIKOMYE WANO**

